# Museveni asazeewo ku tteeka lya ssente eziva ebweru

Bya KIZITO MUSOKE
NE TEOPISTA NAKAMYA

PULEZIDENTI Museveni avuddeyo ku bbago ly'etteeka erikugira ssente eziva ebweru w'eggwanga n'agamba nti be yalagira okulibaga baava ku kye yabalagira ne bateekamu ebyabwe.


Mu kiwandiiko kye yafulumizza, Pulezidenti Museveni yagambye nti etteeka lya 'The Sovereignity Bill, 2026' lyaleetebwa mu mutima gwa kulemesa bantu abaagala okutabangula eggwanga nga bayita mu kuwa ssente abalabe baalyo.

Museveni yasabye abantu obutagezaako kutabangula ggwanga mu ngeri yonna kuba enkola n'endowooza ez'enjawulo zisobola okuzimba oba okutabangula eggwanga n'agamba nti Uganda yali etabanguse olw'ebyobufuzi ebirowooleza mu kwawula amawanga, n'amadiini mu kifo ky'okufa ku bizibu ebinyiga eggwanga ng'okunoonya obutale bw'ebintu.

## GAVUMENTI EKYUSIZZA OBUWAAYIRO MU BBAGO

Ekiwandiiko kya Museveni we kyafulumidde, nga Ssaabawolereza wa Gavumenti, Kiryowa Kiwanuka ne minisita omubeezi ow'ensonga z'omunda, David Muhoozi bazzeeyo mu kakiiko ka Palamenti akeekenneenya ebbago lino okuwaayo ennongoosereza.

Bino byaddiridde abantu n'ebitongole eby'enjawulo nga Bbanka Enkulu, bbanka z'ebyobusuubuzi, Makerere University, bannaddiini, abasuubuzi,



Pulezidenti Museveni

Obwakabaka bwa Buganda, bannabyanfuna n'abalala okuvaayo ne bawakanya ebbago lino.

Wadde ng'ebibonerezo ebikambwe nga okuwa engassi y'okusasula obuwumbi obuna n'okusibwa emyaka 20 byasigaddewo, naye waliwo bingi ebyakyusiddwa. Mu nnongoosereza ezaakoleddwa, Munnayuganda wadde ali bweru wa ggwanga, ebbago terikyamutwala nga mugwira okuggyako nga yeewandiisizza eri minisita w'ensonga z'omunda mu ggwanga nga agenti w'omugwira.

Muhoozi yategeezeezza nti nabo baakirabye nga tekisaanidde Bannayuganda abali ebweru okutwalibwa nga abagwira n'agamba wadde bali eyo, bateekeddwa okusigaza ekitiibwa kyabwe.

Agenti w'omugwira takkirizibwa kufulumya mawulire ga bulimba oba okwetaba mu mulimu okunafuya, okutyoboola oba okwonoona enkola y'ebyenfuna oba obusobozi bw'eggwanga, mu by'obutebenkevu oba ebyenfuna ng'akikoze mu bugenderevu. Bw'akikola, kajja kumujjuutuka.

Ekkomo ly'obukadde 400 omuntu z'atalina kusukka kuyingiza mu mwaka lyaggyiddwaawo. Ssinga osindikirwa ssente nga nnyingi, kikukakatako okuzirangirira eri minisita w'ensonga z'omunda ate era ekitongole kya Financial Intelligency Authority bwe kikuyita okwennyonnyolako, oba olina okugendayo.

Kyokka ssinga ozuulibwa nga ssente ezikusindikiddwa zirina ebigendererwa ebikusike eby'okutabangula emirembe, ebibonerezo bisigaddewo nti owa engassi etasukka buwumbi buna, okusibwa emyaka egitasukka 20 oba byombi.

Waliwo ssente ezaaweereddwa ekisonyiwo nga tezirina kulingirizibwa okuli; ez'ebitongole ebikola ku bya ssente, amalwaliro, ez'okunoonyereza, ebitongole by'abakugu nga Uganda Law Society, ez'okweyambisa awaka, eziyamba amasinzizo, eza Bannayuganda abakolera amawanga g'ebweru n'ebirala.

Minisita yaweereddwa obuyinza okwongera ku lukalala lw'ebitongole ebitalina kulingirizibwa ssente ze bifunye era abikolere amateeka amalala agabisaana.

Eri agenti w'Abazungu oba omugwira yenna alina enkulaakulana gy'ayagala okukola wano, kijja kumwetaagisa okusooka okufuna olukusa okuva ewa minisita w'ensonga z'omunda mu ggwanga.